

# Yesu ne Sabbiiti

**Nkolagana ki eri mumakkati ga Yesu Kristu ne sabbiiti Bayibuli gy'eyogerako?**

## *Mukwano Andrew, **

Batera okumbuuza: Lwaki okuuma sabbiiti: okuddamu kwange kwangu nnyo: Nkuuma sabbiiti kubanga njagala Yesu. Ye mukama wange era omulokozi wange, mukwano gwange era eky'okulabirako.

Yesu yagamba: *"Oba nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange."* (Yokaana 14:15 NKJV bigerageranye n'ennyiriri 21, 23 ne 24 ne 1 Yokaana 2:3-6) bwe mugondera mu kwagala n'okumusiima, enkolagana yange naye yeeyongera okunnyikira.

Yesu Kristo ye ntabiro y'okukkiriza kw'ekikristaayo okuva mu Bayibuli. Waali mulamu, afuga era akomawo mangu ddala. Yemutonzi, mukulembeze, Kabaka, mulokozi, Atukulira, Mukwano gwaffe, musawo, ssaabakabona, Katonda era Mukama. Okukkiriza kwaffe kwonna kuyimirira oba kugwa NAYE.

Ekyewuunyisa , ebintu byonna eby'obulamu bwa Yesu ne bye yakola bikwatana nnyo ne sabbiiti. Nzikiriza nkulage **enkwatagana eri wakati wa Yesu ne Sabbiiti.**

* Erinnya lino lyalondebwa okutujjukiza Andrew ow'omu Bayibuli, eyatwala mugandawe Peetero eri Yesu

### Omutonzi era eyatandika sabbiiti y'ani?

Endagaano empya eraga mu byawandiikibwa bya mirundi musanvu nti Yesu Kristo ye Mutonzi. (Yokaana1:1-3,14; Abaebbulaniya 1:1-2) Mu Abakkolosaayi 1:15-16 Wagamba: *"…Ebintu byonna bibeerawo mu ye."* (NKJV )

Nkolagana ki eriwo wakati wa Yesu omutonzi ne Sabbiiti?

Okuddibwamu kusangibwa mu Luberyeberye 2:2-3: "*Katonda n'amalira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gye yakola; n'awummuliramu mu mirimu gye gyonna Katonda gye yakola.*

*Katonda n'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alutukuza, kubanga olwo lwe yamummuliramu mu mirimu gye gyonna Katonda gye yatonda gye yakola.."*

Yesu Kristu , Katonda Omutonzi, ye yateekawo sabbiiti.

## Yesu Kristo, Katonda omutonzi, ye yateekawo sabbiiti.

Zabbuli 111:4 NKJV esonga ku:
*"Ajukizizza emirimu gye egy'ekitalo; Mukama wa kisa, ajjudde okusaasira."*
Sabbiiti si muntu yeyagiyiiya, wabula eno nkola eyateekebwawo omutonzi waffe era omununuzi Yesu Kristo. Bwekityo, Yesu yasobola okugamba Abayudaaya nti ye Mukama wa sabbiiti (Makko 2:27-28).

Oluvvanyuma lw'ennaku mukaaga ez'obutonzi, olunaku olw'omusanvu olw'obutonzi lwakuzibwa. Okutonda kw'ensi kwafundikirwa na Sabbiiti.
eby'omubwengula oba empisa z'ensi tezisobola kunyo nnyola Sabbiiti. Ensonga emu yokka eya sabbiiti n'olunaku olw'omusanvu mu wiiki nti yateekebwawo Katonda. Awatali ye tewandibadde sabbiiti. Olw'okuba sabbiiti lwe lunaku olw'okujjukirirako Kristo, we yamaliririza okutonda, luvaamu akabonero akalaga okwagala kwa Kristo n'amaanyi eri abantu bonna.

Ebbaluwa ya Yokaana egamba nti Katonda yalonda olunaku lwe. Yagamba mu Kubbikulirwa 1:10: *"Nali mu Mwoyo ku **lunaku lwa Mukama**..."*
Yokaana yali ayogera ku lunaku ki? Olunaku lwokka oluyitibwa olwa Katonda mu Bayibuli, olwa sabbiiti. Mu mateeka 10 wagamba: *Naye olunaku olw'omusanvu ye sabbiiti eri Mukamakatonda wo…"*(Okuva 20:10 NKJV) Katonda sabbiiti yagiyita "*…olunaku lwa Mukama olutukuvu..*"(Isaaya 58:13 NKJV) ng'ayitira mu Nabbi Isaaya. *"Bw'onookyusanga ekigere kyo okuva ku sabbiiti obutakolanga by'oyagala ggwe ku lunaku lwange olutukuvu; sabbiiti n'ogiyita essanyu, olunaku lwa mukama olutukuvu olw'ekitiibwa, n'ogissangamu ekitiibwa, nga tokwata makubo go ggwe, so nga to noonya by'oyagala ggwe, era nga toyogera bigabo byo ggw, kale n'olyoka osanyukira Mukama; nange ndikwebabagaza ku bifo ebigulumivu eby'ensi, ..."* (Isaaya 58:13-14 NIV)

## Ani yakulembera abantu ba Katonda bwe baali batambulamu ddungu?

Omutume Pawuloyanyonnyola mu 1 Abakkolinso. 10:4 NKJV nti yali Kristo. Yagamba: *"...olwazi olw'omwoyo olwabagobereranga, n'olwazi olwo lwali Kristo."* Kristo mu mpagi ey'ekire yakulembera abantu ba Katonda okubajja mu Misiri n'okuyita mu ddungu okutuka e Kanani.Kakwate ki akaliwo wakati wa Yesu Kristo, akulembera abantu ba Katonda ne sabbiiti?

Kizibu nnyo okusanga ekintu ekimera mu ddungu. Nabwekityo, Kristo buli lunaku okumala emyaka 40 yagabirira abayisirayiri n'emmere.

Kyalambululwa mu Kuva 16. Emmere eno yalinaokuliibwa buli lunaku. Byonna ebyasigalangawo, bwagendanga okukya nga bivunze. Naye , ku lunaku olw'omukaaga baalina okukuŋŋaanya emmere ekubisaamu emirundi ebiri ku yabulijjo kubanga tebaafunanga mmere ku sabbiiti. Emmere ya sabbiiti eyakuŋŋaanyizibwanga ku lwokutaano n'eterekebwa teyayonoonekanga. Kino kiraga nti Kristoyakuumanga nabo sabbiiti okumala emyaka 40. Lwaki omwana wa Katonda yeeyisanga bw'ati? Okunyonnyola tusobola okukusoma mu lunyiriri 4 (NKJV):

*" mukama n'alyoka agamba Musa nti laba, nditonnyesa emmere okuva mu ggulu ku lwammwe, n'abantu balifuluma okukuŋŋaanya ekitundu eky'olunaku buli lunaku, ndyoke mbakeme nga banaatambuliranga mu mateeka gange oba tebaatambulirengamu."*

Omwana wa Katonda yakema abantu be ng'akozesa sabbiiti okulaba oba banaatambuliranga mu mateeka ge – oba banamugondera n'okumwesiga. Ennyiririri 27 ne 28 (NKJV) zigamba:

*"Awo ku lunaku olw'omusanvu ne bagenda abamu ku bantu okukuŋŋaana ne batagiraba. Mukama n'amugamba Musa nti Mulituusa wa okugaana okukwata amateka gange n'ebiragiro byange?"*

Yesu Kristo teyabuuza,Mulituusa wa okugaana okukuza sabbiiti? **Yakema enkolagana ye nabo yonna, obanga bamwesiga n'okumugondera, ng'agesereza ku sabbiiti obanga bagikuza oba nedda**.

## Ani eyawa amateeka, oyo eyateeka Sabbiiti mu mateeka 10?

Ani yawandiika n'engalo ze amateeka 10 ku mayinja? Okusinziira ku 1 Abakkolinso. 10:4 , Yali Kristo, ye yawerekera abantu ba Katonda okuyitira mu bire . Ye yabagya mu Misiri(geraageranya n'Okuva 20:2 wamu ne Yuda 4b-5). **Kitegeeza nti omwana wa Katonda ye yawa amateeka ag'obwaKatonda.** Ye mwennyini ye yawandiika amateeka ekumi ku mayinja era n'agawa Musa.

Okuwandiika Bayibuli yonna Katonda yakwesigisa abantu .Naye teyakikola ku mateeka 10. Gano go yagewandiikira. Musa bwe yayasa amayinja okwali amateeka mu busungu, kubanga yasanga abayisraeli nga bebuungulude akabuumbe k'akaana k'ente aka zaabu nga bazina, Kristo yamulagira okubajja amayinja amapya abiri. Naye ne ku mulundi guno teyamwesigisa kuwandiika. Kristo mwennyini ye yawandiika amateeka 10 ku mayinja omulundi ogw'okubiri era n'alagira nti gateekebwe mu kisenge eky'enjawulo mu kasanduuko k'endagaano mu kifo ekisinga obutukuvu mu yekaalu. (Labamu Kuva 32:16 ne Ekyamateeka10:1-5). Bino bewuunyisa: Katonda yeyawandiika amateeka 10.

Ebyakozesebwa mu kuwandiika okuli - amayinja – galaga obuwangaazi. Omuntu tawandiika ku mayinja bw'aba asuubira oluvannyuma okukyusa by'awandiise. Eyo y'ensonsa lwaki Kristo amateeka yagoogerako bw'ati:
*"Kubanga mbagamba mazima nti eggulu n'ensi okutuusa lwe biriggwawo, ennukuta emu newankubadde akatonyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwaawo, okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira."* (Matayo 5:18 NKJV)
Amateeka gano ge gagenda okwesigamibwako mu kulamula enkomerero ng'etuuse. Yakobo amateeka 10 yagayita*"eteeka eriringa kabaka w'amateeka"*era *"Amateeka ag'eddembe"* (Yakobo 2:8,12NKJV).

Kristo, eyawa amateeka ag'obwa Katonda , yagamba: *"Oba nga munjagala , munaakwatanga ebiragiro byange."*(Yokaana 14:15 NKJV)

**Mu bigambo bino, Yesu teyategeeza mateeka ge gokka mu njiri naye ne mumateeka ekumi.** Sabbiiti mu **mateeka 10** ebezebwawo ebitonde. Kino kitegeeza omuntu oyo akuuma sabiiti, akkiriza obuyinza bwa Katonda n'eddembe ly'omutonzi okufuga buli kintu.

"Olunaku olw'okuwummula Yesu yaluyita ***"Sabbiiti ya mukama Katonda wo"*** (Okuva 20:10 NKJV)
Newankubadde Yesu yemulugunya nti Sabbiiti yakolebwa muntu (Makko 2:27), esigala nga ya Katonda. Yesu ye mukama wa Sabbiiti, ssi ffe. Kino kitegeeza nti sabbiiti ntukuvu kubanga Katonda abeerawo. Sabbiiti kirabo okuva ew'omutonzi waffe okukuuma n'okubezaawo enkolagana yaffe ne Katonda. Oyo yenna atenyigira mu bubeezi wamu ne Katonda asubiddwa ekinyusi kya Sabbiiti.

## Yesu, sabbiiti yagiwa mugaso ki mu mateeka 10?

Ebigambo Kristo bye yakozesa mu mateeka 10 bye bisinga okunyonnyolwa ennyo mu mateeka gonna agayogerwako (Okuva20:8-11). Mu teeka lino tuyiga nti Mukama (Yahweh) ye mutonzi w'eggulu n'ensi.

Lino ly'etteka lyokka eririmu buli kintu ekyetaagisa okubaga amateeka amalungi: erinnya, ofiisi n'obuyinza bw'omuwi w'amateeka: "Yahweh, omutonzi w'eggulu n'ensi." Buli kabonero kalina enkola eno.

Etteeka lyonna eriteekebwa mu nkola, nga "Joachim Gauck, pulesidenti wa Germany". Okuyitira mu sabbiiti, amateeka 10 gaatekebwa mu nkola. Sabbiiti Kabonero kateekebwawo Katonda, ensibiro ya Katonda ku tteeka lye.
**Neewunyanga lwaki ekirabo kya Katonda ekya sabbiiti ate era tteeka.** Nazuula oky'okuddamu kino wammanga: Katonda kino yakikola okusobola okukuuma ekirabo kino. Singa si ekyo, ssabiiti twandigikoleddemu bye twagala. Tukirabye nti newankubadde etteeka weriri kino kibeerawo.
Tulina enkolagana wakati wa Yesu ne Sabbiiti endala gye tuzudde. Ng'omuwi w'amateeka ag'obwaKatonda; etteeka lya Sabbiiti aliwagise mu mateeka 10 era n'aliwa akabonero k'embeera ze, ensibiro ye.

## Nkolagana ki eriwo mu makkati ga Yesu kristo ne sabbiiti ekwatagana n'okununula kwaffe?

Amateeka 10 gaddibwamu mu kitabo ky'Amateeka 5 Eteeka lya sabbiiti liweebwa mu bujjuvu mu nnyiriri 12-15.

Mu Kuva 20 okukuuma sabbiiti kwawagirwa okutonda kw'ensi. Mu ky'amateeka 5 okukuuma sabbiiti kuwagirwa okusumululwa okuva mu busibe mu missiri (olunyiriri 15).

**Ensonga ey'okukuuma sabbiiti endala** eweereddwa bwe twogera ku lugendo okuva mu Missiri. Kino kiraga nti sabbiiti erina amakulu mangi nnyo okusinga ku lunaku olw'okujjukira okutonda kwe'ensi kwokka.

Missiri okusinziira ku bayibuli, Missiri yali nsi ya buddu, Katonda gye yasumulula abantu be okuva mu buddu . (Okuva 20:2 gerageranya n'Okubikkulirwa 11:8.) okununulwa okuva mu buddu, okutambula okuyitira mu musaayi gw'endiga (Okuyitako), okutaasibwa okuva mu maanyi g'omulabe agasukkiridde n'okusimbula okugenda mu nsi ensuubize bubonero obutulaga okusumululwa okuva mu buddu bw'ekibi n'okufa. Ekyo kitegeeza nti sabbiiti etujjukiza okununuliwa okuyita mu Yesu Kristo.

Mu mbeera ya bulijjo, ensonga eziwebwa ku Sabbiiti zombi nkulu: Singa Yesu ssi yeyali omutonzi, tewandibaddewo kuzuukira mu bulamu obutaggwaawo. Naye awatali kukomererwa, Ekikolwa kya Yesu eky'obulokozi, tetwandilokoddwa okuva mu buddu bw'ekibi.

Sabbiiti etuyunga ne Kristo omutonzi era omununuzi. Enkolagana eri wakati wa Sabbiiti n'okulokolebwa era eragibwa mu ngeri endala. Sabbiiti ke kabonero k'endagaano wakati wa Katonda n'abaana be. **Katonda yayagala okukuza sabbiiti kwekuba kulaga nti be abantu be bamusinza.**

Mu kuva 31:13 Katonda alagira :

*"Mazima mukwatanga sabbiiti zange, kubanga ke kabonero wakati wange nammwe mu mirembe gyammwe gyonna; mulyoke mumanye nga nze Mukama abatukuza.."*

Sabbiiti ke kabonero akalaga nti Mukama atutukuza. Ensi entukuvu mu Okuva 19:5-6 eteekebwa mu nkola mu 1 Peetero 2:9 eri ekkanisa yomundagaano empya. Kristo ye mutukuza era omulokozi waffe.

Mu Ezekyeri 20:20 okukwata Sabbiiti kunyonnyolebwa n'ebigambo: *"Mumanye nga nze Mukama Katonda wammwe."* Kino kyekuusa ku kutondebwa . **Yesu yatuwa sabbiiti nga akabonero ak'omulimu gwe ogw'okutonda n'okutununula.**

## Sabbiiti Yesu yagiwa mugaso ki ng'ayita mu bannabbi?

Bannabbi balina bye baayogera ku sabbiiti? Weebiri bingi nnyo. Katulabe ku by'okulabirako bibiri:

Kristo yasindika okulabula kuno wammanga ng'ayitira mu nnabbi **Yeremiya** eri abantu be (Yeremiya 17:27 NKJV):

*"Naye bwe mutampulirenga okutukuza olunaku lwa sabbiiti,* ***obutatwalanga mugugu newankubadde okuyingiriranga mu miryango gye Yerusaalemi ku lunaku olwa sabbiiti;*** *kale ndikumira omuliro mu miryango gyakyo, era gulyokya amayumba ag'e Yerusaalemi, so tegulizikibwa."*

Nga wayise emyaka kumi na musanvu ebigambo bino byatuukirira. Okusinziira ku Yeremiya 52:12-13 ennyumba ya Mukama n'ennyumba ez'amaanyi zonna mu Yerusaalemi zayokebwa Abababilooni ne zisaanawo.

**Yesu Kristo, eyasindika bannabbi, yateeka essira ku sabbiiti.** Kristo yanokolayo ebintu ebirabwako ng'ayitira mu Yeremiya – Ku sabbiiti tebaalina kutwalamigugu, tebaalina kukolamulimu gwonna, kubanga okuwummula okw'omubiri kye kintu ekisooka ekyetaagisa okusobola okufuna okuwummula kw'omyoyo n'okwegogola ku sabbiiti.

Kristo yalagula okuyita mu nnabbi Danyeri nti waliwo alijja, alina **ekigendererwa** okukyusa amateeka ga Katonda. Kino kirina akakwate ne sabbiiti. Mu Danyeri 7:25 (NKJV) Amaanyi gano ng'akabonero gayitibwa "Akayembe akato".

*"Alyogera ebibi eri oyo ali waggulu ennyo, era aliteganya abatukuvu b'oyo ali waggulu ennyo: **era alirowooza okuwaanyisa ebiseera n'amateeka,** era biriweebwayo mu mukono gwe okutuusa ekiseera lwe biriggwaawo."*

Kiki ekyakyusibwa mu mateeka ga Katonda? Okugerageranya kw'amateeka 10 ne Katikisimu kutulaga:

1. Etteeka, erigaana okusinza ebifaananyi, lyagyibwa mu mateeka 10.
2. Sabbiiti yakyusibwa n'ezzibwa ku sande. Bwekityo, okulukuza mu mateeka 10 – sabbiiti – yakyusibwa.
3. Etteeka erisembayo lya gabanyizibwamu ebitundu bibiri ne gasobola okuddamu okuwera amateeka 10 nate

## Kyakulabirako ki ekikwata ku sabbiiti Yesu ky'atuwa mu biseera nga akyali ku nsi?

Omutume Pawulo yagamba(1 Peetero 2:21) Nti Kristo yatulekera eky'okulabirako *"Mulyoke mutambulirenga mu bigere bye."Omutume Pawulo yakaatiriza* (1 Yokaana 2:6NKJV): *"Oyo Ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye bwe yatambula."* Obulamu bwa Yesu kunsi bubeere eky'okulabirako gyetuli. Kyakulabirako ki Yesu kye yatuwa ng'abantu ekikwata ku sabbiiti?

**Yesu yetaba mu kusaba mu kkanisa ku sabbiiti era yabyenyigirangamu:**

*"N'ajja e Nazaaleesi gye yakulira; ku lunaku olwa Sabbiiti n'ayingira mu kkuŋŋaaniro nga bwe yali empisa ye, n'ayimirira okusoma.* (Lukka 4:16 NKJV)

**Ku sabbiiti Yesu obudde yabumaliranga ku ttale n'abayigirizwabe:**

*"Awo mu biro ebyo Yesu n'ayita mu nnimiro y'eŋŋaano ku sabbiiti; abayigirizwa be ne balumwa enjala, nebatandika okunoga ebirimba by'eŋŋaano, ne balya."* (Matayo 12:1 NKJV)

**Yesu yakola ebikolwa ebirungi ku sabbiiti:**

*" Kale kirungi okukola obulungi ku sabbiiti."* (Matayo 12:10-13, v. 12b NKJV)

**Okukyalira abalwadde n'okulabirira abantu ku ssabbiti byamugaso nnyo:**
*"Amangu ago bwe baafuluma mu kkuŋŋaaniro ne bagenda wamu ne Yakobo ne yokaana mu nnyumba ya Simooni ne Andereya. Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'agalamidde ng'alwadde omusujja....."* (Makko 1:21-29, naddala. 29-30 NKJV) Yesu yamuwonya.

**Yesu, Omuwi w'amateeka ag'obwaKatonda, ng'akyali muntu ku nsi y'assa ekitiibwa mu sabbiiti:**

Teyagondera mateeka g'Abayudaaya ag'ekiseera.

Nga *"Mukama wa sabbiiti "* (Makko 2:28) Yesu yatuwa enkola ey'okugoberera, etulaga engeri gye tuyinza okufuna omukisa gw'ayagala okutuwa ku lunaku luno.

Sabbiiti lunaku lwa mukisa, lunaku lutukuvu era lunaku lwa kuwummula.
Yesu *"N'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alutukuza, kubanga olwo lwe yawummuliramu emirimu gye....." (Oluberyeberye 2:3 NKJV)*

Sabbiiti, olunaku lwa Yesu Kristo, sabbiiti y'abakrisitaayo lwa ssanyu eri abo bonna abali mu Kristo. Tulina okuluyita "ekisanyusa" – laba Isaaya 58:13.

## Abayigirizwa baayiga ki okuva mu mukama wabwe era mukwano gwabwe ku sabbiiti?

Yesu yagamba abayigirizwabe nti yali mukama wabwe (Yokaana 13:13) era nti baali mikwano gye. *"Mmwe muli mikwano gyange bwe mukola bye mbalagagira.""* (Yokaana 15:14 NKJV)

Kiki ekikwata ku sabbiiti kye baayigira ku Yesu? Mu Lukka 23:54 paka ku 24:1 (NKJV) kigambibwa: *"Kale lwali lunaku lwa kuteekateeka , esabbiiti ng'eneeebaako enkya* [leero lwakutaano], *era sabbiiti yasembera."* (Okusinziira ku mbala ya Bayibuli ey'ebiseera, sabbiiti etandika enjuba egudde: Oluberyeberye 1:5; Ebyabaleevi 23:32; Nekkemiya13:19; Lukka 4:31,40)

*"N'abakazi be yava nabo e Ggaliraaya, ne bagoberera, ne balaba entaana, n'omulambo gwe bwe gwateekebwa. Ne bakomawo ne bategeka eby'akaloosa n'amafuta ag'omugavu.* ***Ne ku lunaku olwa sabbiiti ne bawummula ng'etteeka bwe liri.*** *Awo ku lunaku olw'oluberyeberye ku nnaku musanvu* [sande], *mu tatulutulu enkya, ne bajja ku ntaana ne baleeta eby'akaloosa bye baategeka."* (Lukka 23:55-24:1 NKJV)

Abayigirizwa baali bayigidde ku mukama wabwe era mukwano gwabwe. Bakuumanga sabbiiti ne mu biseera eby'obwangu bwe baali bategeka okuziika omulambo gwa Yesu . sabbiiti bwe yaggwa baagenda okukola era ne boolekera entaana nga batutte obuloosa ku makya g'olunaku olusooka mu wiiki.

## Sabbiiti n'okuzuukira

*"Awo bwe yamala okuzuukira mu makya ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu…."* (Makko 16:9 NKJV)

Okuzuukira kwa Yesu okuva mu bafu kintu kya kyewuunyo . Awatali kukkiriza tekyandisobose. ( 1Abakkolinso 15:17-18) Nga ekivaamu, tusanyukire okuzuukira?

Mu mateeka ekumi, sabbiiti lunaku lwa kijjukizo olwa Yesu okumalirira okutonda (Okuva 20:11). Era lunaku lwa kijjukizo olw'okununula abayisirael okuva mu buddu mu Missiri (Laba ekamateeka 15), ekyatuukawo wansi w'obukulembeza bw'omwana wa Katonda. Sabbiiti lunaku lwa kijjukizo olw'ebikolwa aby'amaanyi eby'omwana wa Katonda mu kutonda n'okulokola. Yesu kye yatukolera ku musaalaba era ebyamaliriziibwa mu kutonda byonna bigwa wamu. Okufa awatali kuzuukira tekwandituyambye. Era okuzuukira awatali kwesaddaaka ku musaalaba nakwo tekwandikoze. Byombi await kubyawula bigwa mu kiti kimu. Era olunaku olw'ekijjukizo eri byombi ye sabbiiti.

## Magezi ki Yesu ge yawa ku kukuuma sabbiiti mu biseera eby'akazigizigi?

*"Nammwe musabe ekidduko kyammwe kireme okuba mu biro eby'empewo newankubadde ku sabbiiti."* (Matayo 24:20 NKJV )

Abakristaayo mu myaka gya 66 nga Yesu amaze okufa mu biseeera abaruumi bwe baakolera obulumbaganyi ku yelusaalemi, bajjukira ebigambo bya Yesu? Ye ddala!! Mukama yayanukula atya essaala zabwe? Ku Bakrisitaayo omunaana – okwanukula kwakolebwa(Okusinziira ku kalenda yaffe) mu

October 19, 66 – Ebiseera by'enkuba nga binaatera kutuuka. Singa omuntu yalina okulaba, ebiseera bino eby'omwaka bye bisaanidde.

Ekitundu ekirala eky'okusaba kwabwe eky'obutalaba ku sabbiiti kyaddibwamu kitya? Abaruumi baava mu Yelusaalemi mu october 16, 66. Yesu yakifaalasira nti okutoloka mu bwangu kyali kyetaagisizaawo. Lwaki tebaalabirawo?

Olw'okutaano lwali lumpi nnyo okusobola okutoloka, kuba sabbiiti yatandika ku ssaawa nga 12 ez'olweggulo. Okusinziira ku biragiro bya Yesu, baalina okwekeneenya ensozi - mu buva njuba bw'omugga Yolodaani.

OLugendo lwe baalina okutambula nga sabbiiti tenatandika lwali lunene nnyo. Tebaalaba ku sabbiiti , wabula bakwata olunaku okusinziira ku teeka lya Kristo. Ku sande, October 19, bagguka mu Kabuga ka Pella ku ttaka ly'ebuva njuba bw'omugga Yolodaani .

Kino kiraga nti ekkanisa mu Yelusaalemi teyamanya ku kukyusa kwa sabbiiti okudda ku lunaku olusooka mu wiiki ekyakolebwa okujjuukirirako okuzuukira kwa Yesu nga wayise emyaka 35 nga Yesu afudde.

## "Akaliga ka Katonda" ne Sabbiiti.

Yesu bwe yabatizibwa Yokaana omubatiza mu mugga Yolodaani, Yokaana yayoleka Yesu y'ani ng'ayitira mu Mwoyo wa Katonda: *"laba! Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!"* (Yokaana 1:29 NKJV) Mu kitabo ky'okubikulirwa, ekirina erinnya "Okubikkulirwa kwaYesu Kristo" (Okubikkulirwa 1:1),woogera ku batukuziddwa: *" Abo be bagoberera omwna gw'endiga buli gy'agenda."* (Okubikkulirwa 14:4 NKJV) Mu nyiriri eziddako tusanga obubaka bwa Katonda eri omuntu obwasembayo. Malayika eyasooka ayita okusinza omutonzi (Okubikkulirwa 14:7). Okusinza omutonzi kutambulira wamu ne sabbiiti. Mu ssuula y'emu (ennyiriri 9 ne 11) woogera kw'abo abasinza "ensolo". Mu bunnambiro alabula obutakkiriza "kabonero ka nsolo"; abo abakkiriza balibula. Akabonero kalabika okubeera akawakanya sabbiiti. Mu lunyiriri 12 (NKJV) wagambat nti abatukuvu beebo "Abakwata ebiraagiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu."

Okubikkulirwa 12 woogera kw'abo abawangudde ababavunaana "*Okuyita mu musaayi gw'omwana gw'endiga"* (olunyiriri 11 NKJV). Era balabirwa ku kuba nti "bakuuma amateeka ga Katonda era bajulira Yesu Kristo". (olunyiriri 17 NKJV)

Kirabwa, nti omwana gw'endiga gwa Katonda gukitwala nga kikulu nnyo okusinza Katonda, okukuuma amateeka ga Katonda era mu ngeri eyo ne "sabbiiti ya Mukama" .

## Mukama agenda okukomawo, ne sabbiiti

Mu Yokaana 14:3 (NKJV) Yesu yasuubiza: "... *Ndikomawo nate ne mbatwala gyendi ..." enkwatagana n'olubereberye nene*. Obubaka bwa Katonda eri omuntu obwasembayo nga tannakomawo buli mu ssuula eno. Mu lunyiriri 14 Yesu Kristo ayogerwako nga Kabaka ajja, oyo ajja okukungula. Era mu lunyiriri 12 (NKJV) Abo abamulindirira boogerwako bwe bati:

*"Abo abakwataamateeka ga Katonda n'okukkiriza mu Yesu."* Mu lunyiriri 7 (NKJV) woogera ku teeka lya sabbiiti nga wakozesa ebigambo *"Mumusinze oyo eyatonda eggulu n'ensi, ennyanja n'ensulo z'amazzi."* . Kino kiraga nti sabbiiti erina amakulu amalala eri Yesu mu biseera nga tannakomawo.

## Kipimo ki Yesu Kristo , omulamuzi, ky'anaakozesa mu kulamula okw'enkomerero?

Mu Yakobo 4:12 (NIV) wagamba: *" Eyateeka amateeka era omusazi w'omusango, ali* ***omu****.""*

Wano erinnya teryogeddwa. Kyokka kyetuyiga nti eyaleeta amateeka n'omusazi w'omusango muntu y'omu. Mu kubikkulirwa 19:11-13 oyo asala omusango ayitibwa "*Ekigambo kya Katonda*". Lino ly'erinnya lya Yesu eddala. Mu Yokaana 5:22 wagamba nti Kitaawe awadde omwana okusala omusango. Omusango agenda kugulagulira ku mateeka ki?

Mu Mubuulizi 12:13-14 wagamba nti *"Amateeka ge"* Kw'ajja okusinziira. Mu Yakobo 2:8-13 walaga nti galina kubeera amateeka 10. Sabbiiti eri emu gu mateeka 10.

Yesu yamalirira okubuulira ku lusozi n'obubaka obutaliiko kubuusabuusa, obubaka fenna bwetwagala okuteeka ku mutima. Yagamba mu Matayo7:21 (NKJV): *"Buli muntu aŋŋamba nti Mukama wange, si ye aliyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala."* Mu Zabbuli 89:34 (NKJV) Mukama agamba: *"Simenyanga ndagaano yange, sijjululenga kigambo ekyava mu mimwa gyange."*

## Abo abatukuze banaakolangaki ku sabbiiti mu nsi empya?

Bayibuli etuwa okwanukula okwangu mu Isaaya 66:23 (NKJV): *"Awo olulituuka, okuva ku mwezi okutuuka ku mwezi, n'okuva ku sabbiiti okutuuka ku sabbiiti, bonna abalina omubiri banajjanga okusinziza mu maaso gange, bw'ayogera MUKAMA.* Abatukuze era bajja kusinza omutonzi wabwe era abatukuza mu nsi empya.
Ekikyusi ky'okusinza okutuufu wano ne mu nsi empya bwe buwulire obuva ku mutima. Eyo ye nsonga lwaki buli lunaku tusaba Mukama oku"*...Onnyweze n'omwoyo ogw'eddembe."* (Zabbuli 51:12 NKJV)
Okukwata sabbiiti mu nsi empya kikakasanti lwe lunaku olw'okujjukira okutuukiriza okulokolebwa n'okutonda abantu n'ensi empya

## Lwaki nkwata sabbiiti

Yesu Kristo yatuwa sabbiiti ng'ekirabo.
Sabbiiti yali nkulu nnyo gyali nti yagikwanga n'abaana ba Israeri okumalaemyaka 40 n'emmere eyamagero eyayitibwanga manna. Yesu yateekawo okukuuma sabbiiti mu mateeka ge ag'obwakatonda amakulu – amateeka 10.

Era yantukuza n'omusaayi gwe era n'ansumulula ku mutango gw'ekibi. Bw'aba nga yalonda sabbiiti ng'akabonero k'endagaano ye n'abaana be, nange njagala okutwala akabonero kano. Obulamu bwa Yesu wano ku nsi kyakulabirako gyendi, ky'enjagala okutambuliramu mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Ku lw'ekisa kya Katonda njagala okubeera omu kw'abo abagoberera omwana gw'endiga yonna gy'agenda n'abo abasinza sabbiiti ya Katonda n'oluvvanyuma sabbiiti mu nsi empya .

Njagala kubeera omu kw'abo Yesu b'aligamba: *"Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi."* (Matayo 25:34 NKJV )

Okwewala kino okukitegeera obubi: Tewali n'omu alokolebwa olw'okukwata sabbiiti. Tulokolebwa ku lwa kisa kya Katonda n'okuyita mu kukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo era si na ttondo lyonna ery'obusobozi bwaffe. Obuwulize kibala ekirungi eky'okukkiriza era ekiva mu kwagala Yesu.

Tewandiyagadde olunaku olumu sabbiiti okugimalako mu buwufu bwa Bayibuli n'okufuna engeri Katonda gy'akuwaamu omukisa? Omukisa, Katonda gwe yateeka ku sabbiiti, gukyakola mu geri y'emu nga bwe gwaali mu biro ebyo era gujja kweyongera okukola ne mu bulamu obutaggwawo mu nsi empya.

Ebintu ebikulu bwe bubeezi obwa buli lunaku ne Yesu mu kusaba n'okusoma Bayibuli n'okuwummula okwa sabbiiti eya buli wiiki. Mu ngeri eno enkolagana yaffe ne Mukama waffe n'obwesige mu ye bijja kukula. Oyo yenna abeerawo mu mbeera bw'eti ajja kusobola okwogerera wamu ne Zabbuli: *"Era naasanyukiranga ebyo bye walagira, bye naayagalanga."* (Zabbuli 119:47 NKJV)

Toyagala kubeera n'abo abajaguliza awamu ne Kitaffe ow'omu ggulu ne Mukama waffe era omulokozi Yesu Kristo ku sabbiiti mu nsi empya wamu n'okumusinza?

Okulamusa okw'essanyu n'okwagaliza ebirungi

*Helmut*

## Emikisa gya sabbiiti omusanvu.

Bayibuli kino ekiraga mu bigambo musanvu eby'enjawulo

### 1. Okuwummula

'Schabbat': Ekigambo kino kitegeeza kiyimiriza, kuwummulako. Kiteeka essira ku kuwummula okw'omubiri ku lunaku luno.

### 2. OKuwummula kw'Omwoyo

'Nuach': Wano tekiri ku kuyimiriza kyokka, okukwatiriramu n'okuwummulako, wabula kyekuusa ku kukakkana n'okubeerawo mu mirembe, okukkirizibwa okwedaabulula munda. Kino kwe kuwummuza Omwoyo.

### 3. Okuwumuzza obwongo

'Naphasch': "okuzibwa obuggya", ekitegeeza "Okuweebwa emeeme", (okuva "nephesch" = emeeme). Kino ky'ekigambo ekikozebwa mu Zabbuli 23, Dawudi bw'agamba:: Akomyawo emeeme yange. Sabbiiti kye kiseera kye tulekera emmeme zaffe okukomezebwaawo. Era kye kiseera eky'okuwummuza ebirowoozo, okuwummula kw'omwoyo, okuwummuza Omwoyo.

### 4. Okujaguza

'Asah' Kino kigambo kikozi, ekinyonnyola ekikolwa eky'obuyiiya, okuwunda okw'obuyiiya, ekintu omuntu ky'akola oba ky'afulumya. Singa kino twali tukitwala bwe tutyo, awo kyanditegeezezza: tu "tuyiiye" sabbiiti buppya buli wiiki, "tugikole".

### 5. Okuwummula mu kutukuzibwa

Okuva 2:2 (Abaebbulaniya 4:4) bakozesa ekigambo 'kallah'. Wano kino kikwata ku kuwummula mu njiri, ekitegeeza okuwummula omuntu kw'alina, okuwagirwa ekisa kya Katonda.

### 6. Katonda ampa amaanyi amaggya

Kino ky'ekigambo 'berech' Emikisa. Kuno kwe kuwummula okuwa amaanyi era kutegeeza emikisa n'okuwebwa amaanyi amapya.

### 7. Ekiseerakw'okwagala

'Qadasch': Okutya. Kino kibeerawo okuyitira mu bubeezi bwa Katonda. Kuno kuwummula kubeerera ddala kwa buntu

Ebikwata ku kulagiriza